

Efunzidwa Pesach Haggadah

by Rabbi Sjimon R. den Hollander
www.SjimonDenHollander.com

(Okweggyako obuvunanyizibwa: Ennambika y'okusaba eno eno efunziddwa tekiikiriza byetaago byonna eby'Ekiro ky'Okuyitako. Egendereddwamu lwa kuyiga na kutendeka eri abo abatasobola kwatula mikisa gyonna egiteekeddwa wamu n'Essuula za Hallel mu bujjuvu.

Ekikompe Ekisooka (Kiddush)

Saayo Omwoyo!

סְבִרֵי מָרְנָן

Mu Bulamu!

לְחַיִּים

בְּרוּךְ אַתָּה יי אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. בּוֹרֵא פְרִי הַגֶּפֶן:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w'Obutonde
Bwonna, Omutonzi w'ebibala gw'omuzabbibu.

בְּרוּךְ אַתָּה יי אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. אֲשֶׁר בָּחַר-בְּנוּ מִכָּל-עַם. וְרוֹמְמָנוּ מִכָּל-לְשׁוֹן.
וְקִדְּשָׁנוּ בְּמִצְוֹתָיו. וַתִּתֵּן-לָנוּ יי אֱלֹהֵינוּ בְּאַהֲבָה. מוֹעֲדִים לְשִׂמְחָה. חַגִּים וְזְמַנִּים
לְשִׂשׁוֹן. אֶת-יּוֹם חַג הַמִּצּוֹת הַזֶּה. אֶת-יּוֹם טוֹב מִקְרָא קֹדֶשׁ הַזֶּה. זְמַן חַרוּתְנוּ.
בְּאַהֲבָה מִקְרָא קֹדֶשׁ. זָכַר לִיְצִיאַת מִצְרָיִם: פִּי בְנוּ בְּחַרְתָּ. וְאוֹתְנוּ קִדְּשָׁתָּ מִכָּל
הָעַמִּים. וּמוֹעֲדֵי קֹדֶשׁ בְּשִׂמְחָה וּבְשִׂשׁוֹן הִנַּחְתָּנוּ:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w'Obutonde Bwonna,
Eyatutukuza okuva mu bantu bonna, n'atugulumiza waggulu w'ennimi zonna,
eyatulonda era n'atufuula ab'ettendo, ng'ayitira mu mateeka ge. Era ggwe, ai
Adonai, Katonda waffe, mu kwagala, otuwadde olunaku luno Embaga
ey'Emigaati Egitali Mizimbulukuse, ekiro ky'obununuzi bwaffe, n'okwagala
nga tujjukira Okuva mu Misiri. Yee, watwagala, era n'otutukuza okuva mu nsi
zonna era otulina ng'obusika bw'ebijaguzo byo ebitukuvu n'okusanyuka.

בְּרוּךְ אַתָּה יי. מִקְדֵּשׁ יִשְׂרָאֵל וְהַזְּמַנִּים:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Oyo anaaza Yisirayeri n'ebiro byonna.

בְּרוּךְ אַתָּה יי אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. שְׁהַחַיְנוּ וְקִיְּמָנוּ וְהַגִּיעָנוּ לְזְמַן הַזֶּה:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w'Obutonde Bwonna,
Oyo atuwadde obulamu, atuwaniiridde, ea atutuusizza mu kiseera kino.

Tunywa ekikompe ekisooka nga tukutamidde ku mukono ogwakkono.

Okunaaba mu Ngalo

Nga tetunnaba kuyiwa mazzi ku ngalo zaffe tugamba nti:

בְּרוּךְ אַתָּה יְיָ אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. אֲשֶׁר קִדְּשָׁנוּ בְּמִצְוֹתָיו. וְצִוָּנוּ עַל גְּטִילַת יְדָיִם:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w'Obutonde Bwonna, ye n'atufuula abatukuvu okuyitira ebiragiro bye, era ye yalagira okunaaba mu ngalo.

Ku mmeza kulina okubaako: 1) Enviinyo oba omubisi gw'emizabbibu

2) Matzot (Egitali mizumbulukuse)

3) Charóset (amatooke amanyige),

4) Enva Ezikawa, 5) Karpas (enva endiirwa endala)

Tutandika n'enva endiirwa endala ("karpas"). Nga tetunnaba kulya tugamba nti

בְּרוּךְ אַתָּה יְיָ אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. בּוֹרֵא פְּרִי הָאֲדָמָה:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w'Obutonde Bwonna, Omutonzi w'ebibala byensi."

Tunnyika karpas mu charóset ne tugiriiramu.

Olwo, Ekikompe ekyokubiri ne tukiwamamu (lindako okunywa).

Tuddira emigaati ebiri, ogumu ne tugumenyamu emirundi ebiri,

ekitundu ekimu ne tukiteeka waggulu w'omugaati omulala

Tukwata ekitundu ky'omugaati kiri ekirala ne tugamba:

הָא לְחֶמֶא עֻנְיָא. דְּאָכְלוּ אֲבִהֶתְנָא דְּנִפְקוּ מֵאַרְעָא דְּמִצְרַיִם:

"Guno gwe mugaati gw'obuyinike, bajjajjaffe gwe baalya mu nsi y'e Misiri"

Omuntu omu (naddala omwana) kati abuuza ebibuuzo ebina:

!מָה נִשְׁתַּנָּה הַלַּיְלָה הַזֶּה. מִכָּל הַלַּיְלוֹת

Ekiro kino kyo ddala kyanjawulo kubiro ebirala byonna!

**שָׁבַכְל הַלִּילוֹת. אֵין אָנוּ מִטְבִּילִין אֶפְלוּ פַעַם אַחַת. וְהַלְיָלָה הַזֶּה. שְׁתֵּי פְעָמִים:
Mubiro ebirala byonna tetukoza enva zaffe omulundi no'gumu.
Naye ekiro kino tukoza emirundi ebiri!**

**שָׁבַכְל הַלִּילוֹת. אָנוּ אוֹכְלִים חֶמֶץ וּמֶצֶה. וְהַלְיָלָה הַזֶּה. כָּלוּ מֶצֶה:
Mubiro ebirala tulya emigati emizimbulukuse,
mukiro kino tulya masa yeka!**

**שָׁבַכְל הַלִּילוֹת. אָנוּ אוֹכְלִים שְׂאֵר יִרְקוֹת. וְהַלְיָלָה הַזֶּה. מְרוּרִים:
Mubiro ebirala tulya enva eze'bika byonna
naye ekiro kino tulya enva ezikawa zoka!**

**שָׁבַכְל הַלִּילוֹת. אָנוּ אוֹכְלִין בֵּין יוֹשְׁבֵיין וּבֵין מְסֻבִּין. וְהַלְיָלָה הַזֶּה. כָּלְנוּ מְסֻבִּין:
Mubiro ebirala tulya nga tutudde oba nga twesigamye,
naye ekiro kino tulya nga twesigamye**

**Omuzingo gw'ekitabo ky'amateeka gw'ogera ku bika by'abaana bina:
omugezi, omubi, omwangu n'omulala atannamanya kusaba.**

*** Omwana omugezi abuuza nti: “Mu biseera ebirijja, omwana wo
bw'akubuuzanga nti, Ebyo byonna ebinnyonnyola buli kalonda,
n'amateeka, n'ebiragiro Adonai Katonda waffe bye yabalagira,
bitegeeza ki?**

**Ekyokuddamu ku kibuzo kino kye kino: “Twali baddu ba Falaawo mu
nsi ey'e Misiri, naye Adonai Katonda n'atuggya mu Misiri n'omukono gwe
ogw'amaanyi. Adonai Katonda n'alaga obubonero obw'ekitalo, n'akola
ebyamagero ebinene era ebitatendeka ku Misiri ne ku Falaawo n'ab'omu
maka ge bonna, nga naffe tulaba. N'atuggyayo n'atuyingiza muno alyoke
atuwe ensi eno gye yalayirira bajjajjaffe okugibawa. Adonai n'atulagira
okukwatanga amateeka gano gonna n'okugagonderanga, n'okutyanga
Adonai Katonda waffe ennaku zonna, alyoke atukuumenga nga tuli mu
mbeera ennungi, era nga tuli balamu, nga bwe tuli leero. Era singa
tuneegenderezanga ne tukwata amateeka gano gonna ne tugagonderanga,
mu maaso ga Adonai Katonda waffe, nga bwe yatulagira, tunaabanga
tutuukirizza ebyo by'ayagala.” (Deut. 6: 20-25)**

*** Omwana omubi asaba: “Omukolo guno gutegeeza ki?”**

Ekyokuddamu kiri: “Kino kye kiweebwayo eri Adonai eky’Okuyitako, kubanga yayita ku nnyumba z’Abayisirayiri mu Misiri, n’awonya amaka gaffe, bwe yatta Abamisiri.” (Ex. 12: 26-27)

*** Omwana omwangu asaba: “Kino kye mukola kitegeeza ki?”
Ekyokuddamu kyaffe kye kino: “Kubanga Adonai yatuggya mu Misiri, ensi ey’obuddu, n’omukono gwe ogw’amaanyi.” (Ex. 13:14).**

*** Eri omwana atannaba kuyiga ngeri ya kusabamu, tugamba nti:
“Tukola tuti nga tujjukira ebyo Adonai bye yatukolera nga tuva mu Misiri.” (Ex. 13:8)**

“Twali baddu mu Misiri; Mukama gye yatuggya, n’omukono ogw’amaanyi era omugolokofu Mukama atenderezebwe; Oyo ali buli wantu wonna, Oyo eyawa Omuzingo gw’ekitabo ky’amateeka eri abantu be Abayisirayiri, Atenderezebwe!” Atenderezebwe oyo akuuma ebisuubizo bye eri Yisirayiri, abantu be, agulumizibwe!”

Deut. 26: 5-8

5. “Jjajjaffe yali mutambuze Omusuuli, n’aserengeta mu Misiri n’abantu be yali nabo abatono, ne babeera eyo, ne bafuukamu eggwanga ekkulu ery’amaanyi era nga lirimu abantu bangi nnyo.

6. Naye Abamisiri ne batuyisa bubi, ne batubonyaabonya, nga batukozesa emirimu emikakanyavu.

7. Bwe tutyo ne tukaabirira Adonai, Katonda wa bajjajjaffe; Katonda n’awulira eddoozi lyaffe, n’alaba okubonaabona kwaffe, n’okutegana kwaffe, n’okunyigirizibwa kwaffe kwonna.

8. Bw’atyo Adonai n’atuggya mu Misiri n’omukono gwe ogw’amaanyi gwe yagolola, n’obuyinza bwe obw’entiisa, n’obubonero, n’ebyamagero eby’ekitalo.”

Obubonero obwo n’ebyamagero bye biriwa? Ebibonyoobonyo ekkumi:

**1) Omusaayi, 2) Ebikere, 3) Ensekere, 4) Kawawa, 5) Kawumpuli
6) Ebizimba, 7) Omuzira, 8) Enzige, 9) Kizikiza, 10) Okufa Ababereberye**

Omuntu atuukiriza obuvunaanyizibwa bwe bw’ayogera ku bintu bisatu ku Lunaku lw’Okuyitako: Pesach, Matzah, ne Marór.

- 1) Ekitambiro Pesach bajjajjaffe kye baalya mu kiseera kya Yeekaalu. Kubanga Mukama yatuyitako ku nju zaffe mu Misiri.
- 2) *Omuntu omu asitula Matzah n'agamba nti:*
Eno ye Matzah gye tulya... nsonga ki? Kubanga ekisimbulukuswa kyaffe tekyafuna kiseera kuzimbulukuka Mukama bwe yatuggya mu buddu.
- 3) *Omuntu omu asitula Enva ezikaawa n'agamba nti:* “Lwaki tulya Marór eno? Kubanga Abamisiri batukaluubiriza obulamu mu Misiri.

“Mu buli mugigi, omuntu alina okwerowoozaako nga nti mpozzi ye kennyini ye yali avudde mu Misiri.” Kubanga Adonai teyataasa butaasa Bayudaaya myaka mingi nnyo emabega, naye naffe kennyini. Awo nno, tulina okwebaza, okutendereza, n’okussa ekitiibwa mu Katonda eyatukolera ebyamagero ebyo byonna ate era n’abikolera n’abantu bonna abaatusoka. Yatuggya mu buddu ne tufuuka baddembe, n’atuggya mu nnaku n’atutuusa mu ssanyu, mu kukaaba ne tudda mu kujaguza, ne mu nzikiza etagambika ne tufuna ekitangaala. Kale nno tumugambe nti: Alleluya!”

Zabbuli 113:

הַלְלוּ־יְהוָה: הַלְלוּ עַבְדֵי יְיָ. הַלְלוּ אֶת-יְשׁוּעַת יְיָ:
 יְהוָה יְיָ מְבָרָךְ. מֵעַתָּה וְעַד-עוֹלָם:
 מִמְזֶרֶחַ-שָׁמֶשׁ עַד-מְבֹאוֹ. מִהַלָּל יְשׁוּעַת יְיָ:
 רַם עַל-כָּל-גּוֹיִם יְיָ. עַל הַשָּׁמַיִם כְּבוֹדוֹ:
 מִי כִּי אֱלֹהֵינוּ. הַמְגַבִּיהַי לְשָׁבַת:
 הַמְשַׁפִּילֵי לְרֵאוֹת. בַּשָּׁמַיִם וּבָאָרֶץ:
 מְקִימֵי מַעְפָּר דָּל. מְאַשְׁפֵּת יָרִים אֲבִיוֹן:
 לְהוֹשִׁיבֵי עַם-נְדִיבִים. עַם נְדִיבֵי עַמּוֹ:
 מוֹשִׁיבֵי עֶקְרֵת הַבַּיִת. אִם-הַבְּנִים שְׂמִיחָה. הַלְלוּ־יְהוָה:

Alleluya. Mutendereze Adonai! Mumutendereze, mmwe abaweereza be, mutendereze erinnya lya Adonai. Erinnya lya Adonai litenderezebwe okuva leero n’okutuusa emirembe gyonna. Enjuba weeviirayo okutuusa bw’egwa,

erinnya lya Adonai litenderezebwenga. Adonai agulumizibwa okusinga amawanga gonna, era n'ekitiibwa kye kisinga eggulu. Ani afaanana nga Adonai Katonda waffe, atuula ku ntebe ye ey'obwakabaka eri waggulu ennyo, ne yeetoowaza okutunuulira eggulu n'ensi? Abaavu abayimusa n'abaggya mu nfuufu; n'abali mu kwetaaga n'abasiitula ng'abaggya mu vvu, n'abatuuzza wamu n'abalangira, awamu n'abalangira abo abafuga abantu be. Omukazi omugumba amuwa abaana, n'abeera mu maka ge n'ezzadde lye ng'ajjudde essanyu. Alleluya!

Zabbuli 114:

בְּצֵאת יִשְׂרָאֵל מִמִּצְרַיִם. בֵּית יַעֲקֹב מֵעַם לְעֹז:
הֵיטָה יְהוּדָה לְקִדְשׁוֹ. יִשְׂרָאֵל מִמְּשָׁלוֹתָיו:
הֵים רָאָה וַיָּנֹס. הֵי־רֵדֵן יִסָּב לְאַחֹר:
הֵהָרִים רָקְדוּ כְּאֵילִים. גְּבָעוֹת כְּבָנִי-צֶאֱן:
מָה-לָּךְ הֵים כִּי תָנוּס. הֵי־רֵדֵן תִּסָּב לְאַחֹר:
הֵהָרִים תִּרְקְדוּ כְּאֵילִים. גְּבָעוֹת כְּבָנִי-צֶאֱן:
מִלְפָּנַי אֲדוֹן חוּלֵי אֶרֶץ. מִלְפָּנַי אֱלֹהֵי יַעֲקֹב:
הֵהִפְכִי הַצֹּר אֶגְם-מַיִם. חֲלַמֵּי־לְמַעַיְנוּ-מַיִם:

Isirayiri bwe yava mu Misiri, abaana ba Yakobo abo, ne bava mu bantu abaayogeranga olulimi olutali lwabwe; Yuda n'afuuka omutukuvu wa Katonda, Isirayiri n'afuuka amatwale ge. Ennyanja bwe yabalaba n'edduka; Omugga Yoludaani ne gudda emabega. Ensozi ne zibuukabuuka ng'endiga zisseddume, n'obusozi obutono ng'obuliga obuto. Ggwe ennyanja, lwaki wadduka? Ggwe Yoludaani, lwaki wadda emabega? Mmwe ensozi, lwaki mwabuukabuuka ng'endiga zisseddume, nammwe obusozi obutono ng'obuliga obuto? Kankana, ggwe ensi, mu maaso ga Mukama, mu maaso ga Katonda wa Yakobo, eyafuula olwazi ekidiba eky'amazzi, n'olwazi olugumu n'aluggyamu ensulo ez'amazzi.

Wanika ekikompe ogambe nti:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w'Obutonde Bwonna, eyanunula ffe ne bajjajjaffe mu Misiri, era n'atuyamba tusobole okubeerawo tujaguzze mu kiro kino tusobole n'okuliira matzah n'enva ezikaawa ku lunaku luno. Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Omununuzi wa Yisirayiri.

Kati tunywa ekikompe ekyokubiri nga tukutamidde ku mukono ogwa kkono

Okunaaba mu Ngalo

Nga tetunnaba kweyiwako mazzi mu ngalo, tugamba nti:

בְּרוּךְ אַתָּה יְיָ אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. אֲשֶׁר קִדְּשָׁנוּ בְּמִצּוֹתָיו. וְצִוָּנוּ עַל גְּטִילַת יָדַיִם:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w’Obutonde Bwonna, ye n’atufuula abatukuvu okuyitira ebiragiro bye, era ye yalagira okunaaba mu ngalo.

Emikisa ebiri ku Matzot:

בְּרוּךְ אַתָּה יְיָ אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. הַמוֹצֵיא לָחֶם מִן הָאָרֶץ:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w’Obutonde Bwonna, ye atuwa mugaati okuva mu ttaka.

בְּרוּךְ אַתָּה יְיָ אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. אֲשֶׁר קִדְּשָׁנוּ בְּמִצּוֹתָיו. וְצִוָּנוּ עַל-אֲכִילַת מַצָּה:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w’Obutonde Bwonna, e’yatufuula abatutukuvu nga ayitira mubilagiro bye era natulagira okulya masa yeka.

Tulya matzah nga twesigamidde ku mukono ogwakkono.

Omukisa ku nva ezikaawa (Marór):

בְּרוּךְ אַתָּה יְיָ אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. אֲשֶׁר קִדְּשָׁנוּ בְּמִצּוֹתָיו. וְצִוָּנוּ עַל-אֲכִילַת מָרוֹר:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w’Obutonde Bwonna, e’yatufuula abatutukuvu nga ayitira mubilagiro bye era natulagira okulya enva ezikawa.

Tunnyika Marór in Charóset ne tulya. (wano tewali bwetaavu bwa kukutama)

Hillel Sandwich, era eyitibwa “Korékh”

Buli omu afuna akatundu ka matzah era ne tukalya n’enva ezikaawa (maror)

ne charóset (amatooke amanyige). Singa ku mmeeza kubaako ennyama, tusobola naffe okwongerako ennyama, okwejjukanya ssaddaaka ya Pesach

Ekijjulo:

Kati tusobola okulya kyonna kye twagala Ku buli nkomerero ya kijjulo, tulya ekifi kimu ekisembayo ekya matzah ate oluvannyuma ne tutabaako kye tulya

Oluvannyuma lw'ekijjulo, tunaaba mu ngalo awatali mukisa, tuyiwamu ekikopo eky'okusatu, ne tugamba nti Ekisa Oluvannyuma Lw'ekijjulo (Birkat haMazon):

בָּרוּךְ אַתָּה יְיָ אֱלֹהֵינוּ מֶלֶךְ הָעוֹלָם. הֵנּוּ אֶת הָעוֹלָם כְּלוּ בְטוֹב
בְּחֶסֶד וּבְרַחֲמִים. וּמְפָרֵס לֶפֶל. וּמְכִין מְזוֹן לְכָל בְּרִיּוֹתָיו אֲשֶׁר
בָּרָא. בָּרוּךְ אַתָּה יְיָ. הֵנּוּ אֶת הַכֶּל:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w'Obutonde Bwonna, agabirira ensi yonna obulungi, ekisa, n'okusaasira. A gabirira bonna, era atekerateekera Ebitonde bye byonna bye Yatonda emmere Otenderezebwe Gwe ai Adonai, agabula bonna.

נוֹדֶה לָךְ יְיָ אֱלֹהֵינוּ. עַל שֶׁהִנַּחְתָּ לָאֲבוֹתֵינוּ אֶרֶץ הַמְּדֵה טוֹבָה
וְרַחֲבָה. בְּרִית וְתוֹרָה. וְעַל שֶׁהוֹצֵאתָנוּ מֵאֶרֶץ מִצְרַיִם. וְעַל הַכֶּל אֲנִי
מוֹדִים לָךְ וּמְבָרְכִים אֶת שְׁמֶךָ: בָּרוּךְ אַתָּה יְיָ. עַל הָאֶרֶץ וְעַל הַמְּזוֹן:

Tukwebaza, Mukama, Katonda waffe, era Tukutendereza, Kabaka waffe, nti wawa bajjajjaffe ettaka essuffu, eddungi, era eggazi, endagaano n'Ekitabo ky'amateeka, era nti watuggya mu nsi y'e Misiri. Olwa bino byonna, tukwebaza n'okutendereza erinnya Lyo Otenderezebwe Gwe ai Adonai, olw'ettaka n'emmere.

רַחֵם יְיָ אֱלֹהֵינוּ עַל יִשְׂרָאֵל עַמֶּךָ. וְעַל יְרוּשָׁלַיִם עִירָךְ. וְעַל צִיּוֹן מִשְׁכַּן
כְּבוֹדָךְ. וְעַל מַלְכוּת בֵּית דָּוִד מְשִׁיחֶךָ.

Ku Ssabbiiti kwokka: רַצְיָה וְהִתְלִיצָנוּ בְּיוֹם הַשַּׁבָּת הַזֶּה

Ku Lunaku lw'Embaga y'Okuyitako Lwokka: חג המצות הזה

ותבנה את-ירושלים בקרוב ותמלאה בשלום.
ברוך אתה יי. בונה ירושלים אמן

Saasira, Mukama Katonda waffe, ku Isirayiri abantu bo, ne ku
Yerusaalemu ekibuga kyo, ne ku Sayuuni ekifo ky'ekitiibwa kyo, ne ku
bwakabaka bw'ennyumba ya Dawudi.

(Ku Ssabbiiti Kwokka: Era olw'okusiima kwo otuzzeemu amaanyi ku
lunaku Iwa Ssabbiiti luno)

(Ku Lunaku Lw'embaga y'Okuyitako lwokka: Era otusanyuse mu
luwummula lw'Embaga y'Okuyitako luno),
era ozimbe Yerusaalemu amangu ddala ate ogijjuze emirembe.
Otenderezebwe Gwe ai Adonai, ani azimba Yerusaalemu, Amen.

ברוך אתה יי אלהינו מלך העולם. אבינו. מלכנו. המלך הטוב
ותמטיב לכל. הוא מטיב לנו. הוא ייטיב לנו. הוא הטוב לנו.
הוא גמלנו, הוא גומלנו. הוא גמלנו. חן וחסד ורחמים. וכל-טוב:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w'Obutonde
Bwonna, Kitaffe, Kabaka waffe; Kabaka omulungi era akolera bonna
ebirungi. Abadde mulungi gye tuli, Mulungi gye tuli kaakano, era
Anaabeera mulungi gye tuli. Yatuwa, Atuwa kaakano, era anaatuwa
ekisa, okwagala n'ekisa wamu n'ebintu ebirungi byonna!"

Ekikompe Ekyokusatu:

ברוך אתה יי אלהינו מלך העולם. בורא פרי הגפן:

Otenderezebwe Gwe ai Adonai, Katonda waffe, Kabaka w'Obutonde
Bwonna, Omutonzi w'ebibala gw'omuzabbibu.

(Nywa ng'okutamidde ku kkono)

Tuyiwamu ekikopo ekyokuna netugamba:

Zabbuli 117

הָלְלוּ אֶת-יְיָ כָּל-גּוֹיִם. שִׁבְחוּהוּ כָּל-הָאֲמִים:
כִּי גָבַר עָלֵינוּ תְּסֻדּוֹ. וְאָמַת-יְהוָה לְעוֹלָם: הָלְלוּיָהּ:

Mutendereze Adonai, mmwe ensi zonna;
mumugulumize, mmwe amawanga gonna.
Kubanga okwagala kwe okutaggwaawo kungi gye tuli;
n'obwesigwa bwa Adoni bwa lubeerera. Halleluyah!

Zabbuli 118 (1-4 na 26-29)

הוֹדוּ לַיְיָ כִּי-טוֹב. כִּי לְעוֹלָם תְּסֻדּוֹ:
יֹאמְרוּ-נָא יִשְׂרָאֵל. כִּי לְעוֹלָם תְּסֻדּוֹ:
יֹאמְרוּ-נָא בֵּית-אֱהֲרֹן. כִּי לְעוֹלָם תְּסֻדּוֹ:
יֹאמְרוּ-נָא יְרֵאֵי יְיָ. כִּי לְעוֹלָם תְּסֻדּוֹ:

Mwebaze Adonai, kubanga mulungi;
okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.
Kale Isirayiri ayogere nti,
“Okwagala kwa Adonai kubeerera emirembe gyonna.”
N’ab’ennyumba ya Aloonni boogere nti,
“Okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.”
Abo abatya Adonai boogere nti,
“Okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.”

(...)

בָּרוּךְ הַבָּא בְּשֵׁם יְיָ. בְּרַכּוּכֶם מִבֵּית יְיָ:
אֵל יְיָ וַיָּאָר לָנוּ. אֶסְרוּ חַג בַּעֲבַתֵּיכֶם. עַד קִרְנֹת הַמִּזְבֵּחַ:
אֵלֵי אֶתְהָ וְאוֹדְךָ. אֱלֹהֵי אֲרוֹמְךָ:
הוֹדוּ לַיְיָ כִּי-טוֹב. כִּי לְעוֹלָם תְּסֻדּוֹ:
הוֹדוּ לַיְיָ כִּי-טוֹב. כִּי לְעוֹלָם תְּסֻדּוֹ:

Alina omukisa oyo ajja mu linnya lya Adonai.

Tubasabidde omukisa nga tuli mu nnyumba ya Adonai.

Adonai ye Katonda, y'atwakiza omusana.

Mukumbire wamu nga mukutte amatabi mu ngalo zammwe n'ekiweebwayo
kyammwe

kituukire ddala ku mayembe g'ekyoto.

Ggwe Katonda wange, nnaakwebazanga;

ggwe Katonda wange, nange nnaakugulumizanga.

Mwebaze Adonai kubanga mulungi,

n'okwagala kwe kubeerera emirembe gyonna.

Tunywa ekikopo ekyokuna nga tukutamidde ku kkono.

Twongera okuyimba ennyimba ne twebaza Katonda.